

**23<sup>rd</sup> September 2018.**

**OKUKANGAVVULWA KWA MUKAMA KATONDA KITAFFE.**

**Abaebbulaniya 12:5-11.**

Oluvannyuma lw'okuweebwa olukalala lw'abakkiriza mu byawandiikibwa abaali obujulizi nti okukkiriza kuwangula era kuwanguza mu bulamu buno n'emirembe gyonna. Nga ne Mukama waffe Yesu Kristo ye yali entikko y'eby'okulabirako byonna gye tuli abamukkiririzaamu ng'Omulozi era Mukama.

Omuwandiisi w'ebbaluwa yayongera okulunqanya Abaebbulaniya na ffenna eri obweetaavu bw'okutegeera ekituyisa mu mbeera enkakali era enzibu ezitusoomooza kyokka ne kiba nga kirungi nnyo gye tuli.

Tujjukire nti "ekibiina ekinene/ekire eky'abajulirwa bonna abaayogerwaako mu ssuula ey'ekkumi n'emu okutuuka ku Yesu Kristo mu ssuula eno kw'etandikira bonna baayolesa obuwanguzi bw'okukkiriza mu mbeera ezaali enzibu ennyo.

Nga bwe guli nti tubuulirirwa mu Yokaana okuva mu ssuula 15:18 okutuuka mu ssuula 16:33 ebikomekkereza nti "Mbategzeezza ebyo byonna mulyoke mube n'emirembe mu nze. Mu nsi muno mujja kubonaabona, naye mugume, kubanga Nze mpangudde ensi."

Paulo Omutume naye yafubanga nnyo okkyoogerako, nga bwagamba mu Baruumi 8:17,18 nti "Kale nga bwe tuli abaana, tuli basika ba Katonda, era tulisikira wamu ne Kristo, bwe tubonaabonera awamu naye, tulyoke tuweerwe wamu naye ekitiibwa. Okubonaabona kwe tubonaabona kaakano kutono nnyo bwe kugeraageranyizibwa n'ekitiibwa ekiritubikulirwa."

Ensonga y'emu eyogerwaako Yakobo mu ssuula esooka, era ekalaatirwa Peetero mu bbaluwa ze zombi, nti okusoomoozebwa, okutuggira ng'abakkiriza kukkirizibwa Mukama Katonda Kitaffe ng'ekirungi ky'akozesa okwegulumiza, okutunyweeza, ottuyigiriza, ottusanyusa n'ottweenyumirizaamu nga bwe gwaali eri Yobu, osanga fenna gwe tumanyi obulungi mu ndagaano enkadde.

Ekitundu mwe tusomesebwa leero ku mulamwa "OKUKANGAVVULWA KWA MUKAMA KATONDA KITAFFE". Z'ennyiriri 5 – 11 mu ssuula 12 Abaeb....

Ezisoma nti.....

Nny. 5,6.....

Ebigambo ebyaali bijjukizibwa Abaebbulaniya abandilowoozezza nti kyaali tekisaana kuyisibwa mu kuyigganyizibwa ne batandika okutendeyewerwa mu kukkiriza kwaabwe byawandiikibwa mu Ngero 3:11,12 nti “Mwana wange tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama, n’okunenya kwe kulemenga okukukooya, kubanga Mukama anenya oyo gw’ayagala, nga kitaawe w’omwana bw’anenya mutabani we gwe yeenyumiririzaamu.”

Nti weewaawo nga bbo, naffe tutela okweerabira ebigambo bya Mukama ebigwaanidde ottugumya naddala bwe tuyisibwa mu kusoomoozebwa kw’obulamu bwaffe ng’abakkiriza. Kye kiba kitugwaanira okweewangayo okujjukizibwa tunyweezebwe nga bwe twaasomesebwaako ku mulamwa gw’omussuula 10:24,25. Ensonga enkulu eziragwa butereevu mu kitundu kino bwe buzaale bwa Mukama obukakasibwa mu kkangavvulwa, okwagala kwe naddala eri abaana be, awamu n’okwenyumiriza kwe mu bbo.

Okukangavvulwa kwa Mukama tekuba kubonerezebwa mu busungu kusalira bibi byaffe, kubanga ekyo Yesu Kristo yakimalira ddala bulungi ku musaalaba, wabula kuba kugololwa (correction) gye tuli, mu kwagala kwe tuleme kuzikirizibwa bibi, bwe kiba ng’ensibuko y’okusoomwozebwa kwaffe esinziira mu kwonoona kwaffe.

Era olw’okuba ekijja eri omu oba oluusi ng’okukangavvulwa kiyinza okuba eri omulala oba oluusi obulumbaganyi bw’omulabe sitaani Yakobo ky’ava atugmba mu ssuula 1:2-5, nti kitugwaanira okusaba Mukama atuwe amagezi okwaawula obulungi kki ekituufu ekitubaako.

Naye ekikulu kwe kumanya nti okwagala kwa Mukama gye tuli okutajjulukuka olw’obuzaale bwaffe mu Yesu Kristo, byonna biba bya ttukolera bulungi bwe gyetuli okweyongera bwe tuba mu yye era naye.

N’olw’ekyo kirina ottuyigirizibwa oba otuzzaamu amaanyi okugumiikiriza okukangavvulwa. Wewaawo mu bugumiikiriza mwe muba okkuzibwa kwaffe mu mwoyo..... Ate era mwe muba n’okukkakkanyizibwa kwaffe.

Wabaawo ebiseera gye tuli Mukama mwagemera amalala n’obutali butuukirivu obulala bwonna obwanditujjudde ne butujja mu kwagala kwe, n’aganya okusoomwozebwa otubaako nga bwe gwaali eri Paulo Omutume mu II Abakk. 12:1-10....

Kye tuba tubuulirwa mu Abaebb. 12:11 nti .....

Nny 8-10.....